# Ow'emyaka 6 afiiridde mu nkuba ng'azannya

Bya GODFREY KIGOBERO

ABAZADDE baguddemu ekyekango omwana waabwe ow'emyaka 6 bw'afiiridde mu nkuba mw'abadde azannyira ne banne.

Bibadde Buswabulongo mu Ggombolola y'e Busimbi e Mityana, omwana Shifah Naggayi, mukoka bw'amusinzizza amaanyi n'amukuluggusa okutuuka mu mwala gye basanze omulambo ng'enkuba ekedde.

Abadde muyizi mu Hilton P/S e Mityana era nga muwala wa Sulaiman Kibirige ne Hadijah Namata.

Kyategeezeddwa nti, omwana yafulumye ng'enkuba etonnya ne batandika okuzannyira mu mazzi ne banne abalala, nti kyokka ye mukoka n'amukuluggusa okumutuusa mu mwala.

Omwogezi wa poliisi mu Wamala, Lamerk Kigozi, yagambye nti, omulambo gwatwaliddwa mu ggwanika ly'eddwaaliro ly'e Mityana, okwekebejjebwa.